Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Balyokwabwe - 2008/03/03 12:27

Mukisera kino ekyakanayokyani naddala kunsonga yettaka,mailo 9000 Gavumenti ya M7 byeganidde, obwavu awamu nokufutyanka BUGANDA ebisusse.

Abaganda bangi naddala abali ebweru benjogeddeko nabo bali

mukutya era bagamba nti BUGANDA yandisosse nemala okulaba esonga yettaka awamu nebilala byebanja M7 oluvanyuma elyokke etandike ekyokulakulaanya OLUBIRI.

Bangi tulowoza nti okutandika okutematema mu LUBIRI lwaffe

olwo tunaba tutandisse okusa ebyobuwangwa bwaffe awamu ne Nyaffe BUGANDA mu MUSEEUM ! Bangi abalabe ba BUGANDA kyebagala gwate oba KABAKA waffe batugamba nti tumuyite Traditional Leader sosi KABAKA !

Obwavu obuli imposed on us tebujja kutulisa kamujje !Tetujja kutunda byabuwangwa bwaffe sente kummi ! Abantu abamu tubasomyeko mu mawulire abali emabega wa Kampuni eziri emabega wa Kampeyini wo kulakulanya olubiri

nga abantu abammu bakyamu !!

Ddala BUGANDA elina etakka mubitundu bingi ebyetolodde Kampala lwaki Mmengo tessa development zeyagala okola ku elyo etakka Olubiri baluveko okutusa nga ensi yaffe eteledde ?

Mmengo ebadde ebanga lyona ekubiriliza ABAGANDA obutatunda takka. Enegaana etya abantu nga ate nayo etunda? Ekilala bwo gamba nti Kulakulaanya Lubiri olwo olubiri oba olutadde mu katale era alina sente yagya okwogela (Investor).

Mu ba investor bwanaba Sudir oba Salem Sale oba M7, Mmengo

enebaganila wa ?!

Olubiri lwaffena ABAGANDA, lwabuli MUGANDA ndowoza nti tulina okululekawo olwa baana nabazukulu abaliddawo sosi kulutunda mukiseera kino ekizibu BUGANDA kyelimu nga bangi

besibye biri okusanyaawo nyaffe BUGANDA.

Somma bino:-

Abalangira n’Abambejja bawagidde eky’okukulaakulanya Olubiri

Bya Margaret Ziribaggwa

ne Anthony Ssempereza

ABAANA b'engoma bawagidde enteekateeka y'okukulaakulanya Olubiri n'amasiro. Omulangira David Ssimbwa yagambye nti enteekateeka eyayanjuddwa Katikkiro wa Buganda yagiwagidde naye n'asaba bamwebuuzeeko ng'omuntu eyakulira mu Lubiri.

Mu Lubiri muteekwa okubaamu ekifo awakuumirwa eng'oma za Kabaka, n’ennyumba y’abagalagala nga nnene ekimala.

Ennyumba z'abakyala ba Mubinge ba Nakazaana n'abalala ziteekeddwa okubaamu, Kabaka alina okubeera n'ekiraalo, muteekwa okubaamu olusuku lwa Nabagereka n’ebintu ebirala.

N'agattako nti tuteekwa okusooka okukakasa nti ekifo ekire-keddwawo Kabaka kijja kugyamu eby'obuwangwa byonna. Naye yiika 50 ddala zinaamala okugyamu ebintu bya Kabaka? Bwe yeebuuzizza.

Omulangira David Wasajja yagambye nti Kabaka ky'asalawo tayinza kukiwakanya. Wabu-la n'asaba enkulaakulaana eno ereme kutaataaganya eby'obu-wangwa n'ennono za Buganda.

Omumbejja Sarah Kagere yagambye nti eby'okukulaakulaanya Olubiri n'amasiro yabitegeeredde mu mawulire era tewannabaawo amutuukirira kumutegeeza kituufu.

N'agamba nti tayinza kuwakanya kintu ky'atannaba kunnyonnyoka bulungi.

Alabirira amasiro g'e Kasubi Omumbejja Nnaalinya Namikka yagambye nti enteekateeka zino tannaba kuzitegeera bulungi era bw'anaazimanya ajja kubaako ekiwandiiko ky'afulumya ku nsonga eno.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Mirembe2007 - 2008/03/03 16:07

Queen bweysjja oba bwali kati tewali ayinza kumuyita Traditional Leader kubanga buli muntu akimanyi nti waliwo obwakabaka tekikyusibwamu nebwewaba waliwo emivuyo ejenkanawa tebasobola kuvoola kitibwa ekyo.Oyo ayagala oba atayagaliza Kabaka wa Buganda kubeera munsiye alyoke ayiye elinya lyamuyita yamaze kwebuza ku Baganda? Bano batabuse nnyo nebatuka okutuyiyiza byetuneyita omwaffe? Abatoro bayina Omukama wabwe abasoga bayina Kyabazinga wabwe abakonjo nabo balina nabanyoro nabo okwo kiki ekivoozesa obwa Kabaka bwabuganda nebintu byabwe ngate abatusobya mutudde mu buganda nyaffe era byonna byemufunye mubijje mu Buganda era nemusimba nenakakongo ngamulinga abatalina nsibuko zamwe? Abalangila na Bambejja mutuule mukaanye buli alina kyamanyi akijeyo nga Omulangila David Ssimbwa bwagamba nti bamwebuuzeko omumbejja Sarah Kagere nabalala abakuulila mulubili bonna mutuule mumanyisiganye kubigenda mumaso kukino ekibba ttaka nokwagala obwaKabaka bwaffe butuule ntende ngamwenna mwogera olulini lumu.Buganda ebeewo Wangaala Ssabasajja Kabaka.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by omumbejja - 2008/03/03 16:46

Nkoyooyo Abandons Lubiri Redevelopment, His Kenyan Deputy Starts Evicting Baganda From Kabaka's Land

The January 30, 2008 issue of Museveni's Bukedde newspaper reported that retired bishop and Regional Tier champion Livingstone Mpalanyi Nkoyoyo had abandoned his campaign to bring Indian dukawalas and Balaalo pretend-investors into Kabaka's Lubiri (see 'Ssente eziyooyoota Olubiri zitubuze'). Museveni's Luganda mouthpiece quoted Nkoyoyo as saying that the membership of his Lubiri Development Committee had dwindled from 16 to 5. The unanswered question is how Nkoyooyo and his foreign advisors (see "Nkoyooyo In Tactical Withdraw On Lubiri, Seeks Input From Baganda") would refund money that he had been given by Museveni's fake investors who were intent on messing up the Lubiri.

A reliable sources inside Mmengo now tells Sekanyolya that the decision by Mmengo to evict many families from Kabaka's land in Kigo might be connected to the collapsed Lubiri deal. The eviction was reported by Museveni'e New Vision ("200 families face eviction from Kabaka's land"). The source says, "Some of us who have watched Mmengo deals for a while believe that the decision by the Buganda Land Board to evict more than 200 families from Kigo and, purportedly, lease the land to an unnamed investor is connected to the Lubiri redevelopment deal. Why hide the investor's name when everyone in Bulange knows that it is Edward Nsubuga a member of Nkoyooyo's Lubiri Development Committee? We think that once the Kigo land is cleared it will likely be used to pass money under the table through dubious plot sales. So, watch for attempts to subdivide!"

Sekanyolya's source explains that, Kenyan Edward Mudigos Nsubuga has been in perpetual financial problems with his Ranch on The Lake for more than 10 years. And he has been rescued from foreclosure by various money launderers. "This man has no clean money to lease a huge piece of land like and evict Baganda. That is why mafia money is suspected at this time. If that is not the case, then why doesn't Mmengo come clean and tell Baganda who the investor is and other details so that Kabaka's name may not be soiled by Museveni's newspapers. Surely, it looks bad for Kabaka to be reported as evicting poor Baganda at a time when he is instructing his subjects to fight for against the occupation. More info about this lubiri saga is in Sekanyolya

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Meli - 2008/03/04 01:13

The Tombs of Buganda Kings at Kasubi constitute a site embracing almost 30 ha of hillside within Kampala district. Most of the site is agricultural, farmed by traditional methods. At its core on the hilltop is the former palace of the Kabakas of Buganda, built in 1882 and converted into the royal burial ground in 1884. Four royal tombs now lie within the Muzibu Azaala Mpanga, the main building, which is circular and surmounted by a dome. It is a major example of an architectural achievement in organic materials, principally wood, thatch, reed, wattle and daub. The site's main significance lies, however, in its intangible values of belief, spirituality, continuity and identity.

Justification for Inscription

Criterion i The Kasubi Tombs site is a masterpiece of human creativity both in its conception and its execution.

Criterion iii The Kasubi Tombs site bears eloquent witness to the living cultural traditions of the Baganda.

Criterion iv The spatial organization of the Kasubi Tombs site represents the best extant example of a Baganda palace/architectural ensemble. Built in the finest traditions of Ganda architecture and palace design, it reflects technical achievements developed over many centuries. Criterion vi The built and natural elements of the Kasubi Tombs site are charged with historical, traditional, and spiritual values. It is a major spiritual centre for the Baganda and is the most active religious place in the kingdom.

United Nations - Copyright © 1992-2008 UNESCO World Heritage Centre. Updated 04 Mar 2008

What if they make their so called developments, and next year, the Masiro are wiped off the World heritage list? Does anyone know how much tourist maonye this can bring in, if only there was some peace? Yye Abaganda bakakati babadde ki? Eno ye ssaawa at all eyogera ku bino? Lwaki Ayi Katonda we Butonda?

http://www.flashearth.com/

(Leero amasiro gali mu kisikirize kye kire ekinene)

There is more to these royal sites that what meets the eye. A lot off history is written in their construction. Look at the Lubiri, it's round with a triangular attachment that points to the north east to the royal tombs. The royal tombs are triangular with a main gate that points to the west. The elders used to say, the royal tombs attracted tourists because it had things in common with the burial places in other ancient worlds, like of Egypt and Macenia(sp). The burial is on top of the hill and triangular, of which is said that, the Egyptians built Pyramids because they lived in flat desert with no hills for their royal burial places. Plus, like it was in Egypt, and some other ancient places, the gate looks west, because it was believed, this is where the gate to heaven is.

This is just more than land for development, it's already more developed than most understand. Seems like our elders didn't listen to theirs. Think people, the palace area of the English Queen, has a hunting ground.

==========

ABAGANDA BONNA BEBAVUNANYIZIBWA

Posted by omumbejja - 2008/03/04 05:45

EBIKA BYA BAGANDA BYE BIVUNANYIZIBWA KUBYOBUWANGWA BYAABWE NGE MBIRI SO SI BAGWIIRA

Nkoyooyo In Tactical Withdraw On Lubiri, Seeks Input From Baganda

Someone seems to have convinced Bishop Livingstone Nkoyooyo and Edward Mudigosi Nsubuga to, at least, behave like they are listening to Baganda regarding Lubiri redevelopment. Just days after Sekanyolya reported about the influence of non-Baganda on the Lubiri Development Council (LDC) (See Mpalanyi Nkoyooyo Increases Influence of Foreigners over Lubiri Redevelopment posting of September 30, 2007), Bishop Nkoyooyo put out public announcements inviting Baganda to send their ideas to the LDC. It is too early to tell if the decision by Nkooyoyo, Edward Mudigosi Nsubuga, William Kalemanzira and Collin Hughes Sentongo had anything to do with the Sekanyolya posting. However, a highly reliable source at Mmengo emailed Sekanyolya today to say that the September 30th posting put smiles on the faces of at least two senior Mmengo officials who are frustrated with Nkoyooyo's total disrespect towards Baganda people.

When contacted by phone, Sekanyolya's Kampala based legal consultant was emphatic. He said, "This can only be a tactical withdraw for Nkoyooyo. The few Mmengo officials and LDC members who are involved in this scandal already ate people's money. I mean money from Banyankore, Banyarwanda and Indian thugs who would even kill their own mothers for ten million Shillings. Things are now in the control of the thugs but they are likely to give Nkoyooyo and team a little breather because of CHOGOM. It is these thugs that Baganda should focus on and ignore Nkoyooyo's bogus calls for ideas. If he really wants ideas, let him ask the more exposed Baganda in London, Sweden, USA or Canada. Not only we, the hungry lot."

In a related but separate development, Sekanyolya has received information that one or more of its readers in Mukono University forwarded Sekanyolya's September 30, 2007 posting on Nkoyooyo to a few top religious leaders in Buganda, two days before Nkoyooyo's public solicitation of Baganda ideas began.from Sekanyolya

==========

Re:ABAGANDA BONNA BEBAVUNANYIZIBWA

Posted by Meli - 2008/03/05 07:06

HARVARD MAGAZINE

http://harvardmagazine.com/2003/07/who-built-the-pyramids.html

Who Built the Pyramids?

Not slaves. Archaeologist Mark Lehner, digging deeper, discovers a city of privileged workers.

by Jonathan Shaw

Abakugu mu byafaayo edda abangi bagenze nga betegereza enkola eziri mu mawanga amakadde nga Buganda, nebafuna ekkubo eddala eryokunonyerezamu obutuufu bwebyafaayo nga ebikwata ku ani ayazimba Pyramids ze Misiri. Bangi kati bagenda bakikkiriza nti tezazimbibwa baddu, kubanga tebyaali bifo byakuzikamu kyokka, byali nabifo bya ba Katonda baabwe.

Okuva edda mu Buganda ebifo byaayo ebyolulyo olulangira, ate nga Kabaka yemukulu wenzikiriza ya Buganda, tebizimbibwa , kuddabirizibwa yade okuyonjebwa abatali Baganda. Buganda nebweyalina abaddu, tebayingirira nga mirimu gyaayo gino. Era emirimu egyo gyegyaava gigabanyizibwa ku bika. Okuleeta abagwiira okutandika okuteesa nokukola ku bintu bya Buganda, kibeeranga, abantu abamaka amalala, olunyiriri olulala, nebika ekirala, okujja nebazimba essabo lyo. Kale kirala okumusasula yye nakola, nga okugula ensolo eyokusaddaka. Naye sso si kugisaba bakuwe mpe, oba okubba enzibe. Ebintu byenzikiriza olina kubyekoleera wenyini, newesimba wo mubwesigwa nobunyweevu eri ekyo kyokkiriza. Ebikolwabyo nebiryoka byegatta ku bigambo byo okukola amakulu. Nolwensonga eyo, KIZIRA abagwiira okuyingiriira ebintu ebikwata ku nnoono ya Buganda. Omuganda abaleka nabawa olukusa abagendako ogukolimo ogunene ennyo, bbo bwebabikwatako olwa kabi nebabyewagikako, kubo agakolimo kwekagenda.

Kati twogere ku nsonga yo kuyita Kabaka traditional leader, nengeri gye kyelarikirizamu Abaganda abamu. Tusooke tufune ebigambo bino ebyo mu Lungereza ddala kyebitegeeza. Kino ssi kya butekakasa, naye nebannayini lulimi luno bwebaba bakola ebiwandiiko bakozesa nnyo nkuluze zaabwe. Tweyambise Oxford English Learners Dictionary.

Tradition -- 1. handing down from generation to generation of opinions, beliefs, customs etc.. 2. opinions beliefs customs etc… handed down.

Opinion – belief of judgement not founded on complete knowledge.

Belief – the feeling that something is real and true, trust, confidence. 2. Something accepted as true or real; something taught as part of a religion; religion.

Customs – 1.usual and generally accepted behaviour among members of a social group. 2. Particular way of behaving which, because it has been long established, is observed by individuals and social groups.

Establish – Set up, put on a firm foundation.

Lead – guide or take, especially by going in front.

Leader – one who leads.

Kati nga tuvvunula mu Luganda Kabaka ye Mukulembeze (leader) wobuwangwa (traditional) ekitegeeza -- ye mukulembeze we

Kati obutabalwisa yo nnyo, ba Kabaka bonna ba traditional leaders. Ne Yesu naye traditional leader. Ye King of Kings, ssi president of presidents or president of kings. Katonda waffe atugamba tutambulire mu bigere bye. Neeri mu ggulu eriyo the Kingdom Of God. Bagenda kugezako okuswaaza nokunyigiriza kingdoms, naye amagezi ga Katonda gali waggulu nnyo kumikoppereero gya bantu. Kiyamba oluusi obutamala gadumira bintu, netwelowoleza. Bwekigaana, nga twekwaata ku bya Mukama, buli lwetwetoloola tusanga era byebiriwo bye bituufu.

Ekituufu ekiriwo ekyokukola, yye Mengo okuva mubyokwogera okkulakulanya nga Obuganda buwuuma mu kayuguumo. Omulwadde omuyi tebamusiba nviiri oba kumusiiga cutex, bamuwa ddagala. Ebisooka byebiba bisooka, okukuma

omwooyo nomubiri nga biri wamu kyetaagisa okusinga ebirala byonna.

==========

Re:ABAGANDA BONNA BEBAVUNANYIZIBWA

Posted by omumbejja - 2008/03/05 07:42

Naye bwotunulira ebintu bino byonna gyebivudde babadde bagwiira bebagala okutyoboola ebyobuwangwa bwaffe wamu nennono zaffe nga belambika mukuyamba nokunyolwa ennyo olwobwaavu bwebatutusizaamu kyova olaba nti emirangiro tegisirikanga gi nabaddiza obwa Kabaka kyetusigalidde okuwulira nga akatutema nti neeyo ensi Buganda gyemweyagaliramu singa teyali nze alaba ewala nayo temwandigifunye.

Leero tugambye nti ebbula lyenyama telijja kutuliisa biwojjolo bonna abasookawo bagezaako naye Buganda neremerawo.

Omusaayi tuyiye abantu baffe bangi battiddwa tetulina kipya kirala kyetulinda kulaba kyetutannalaba oba kyetutayiseemu emyaaka gino gyonna, ekisa nobwesigwa bwaffe byetukoze netusasulwaamu obukyaayi obwekitujju, Mukama ali kuludda lwaffe bagamba nti gwowonya eggere yalikusambya . Naye ate ne Sserukama mayute , bwebakwata ku lirye ng'awoloma, Songa ate ffenna tukimanyi nti busa bwa mbogo bukala kungulu.Nomuntu owenkwe oba omunnanfuusi agenda ne yewoomya kungulu songa munda ajjudde ekko:angry:

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by rambuka - 2008/04/05 05:29

Athens mu Greece---bayina ekifo ekya olympics------historical------Amasilo ga ba Sekabakka e Kasubi---banange olubiri e Mengo--kitibwa kya Buganda-------tuludabirizze bu dabilizzi--------ebizimbe ebyo tubikume kubanga bya kitibwa nnyo eri Abaganda,banauganda--ne ensiyonna----------kubanga ge makula ga Buganda.

==========

Re:ABAGANDA BONNA BEBAVUNANYIZIBWA

Posted by Balyokwabwe - 2008/04/08 13:34

Sebo Kyonyonyodde ekya Traditional Leader tukitegedde naye M7 bwaba ayogera ku KABAKA waffe

nga amuyita traditional leader akozessa olulimi lujjozi nnyo olujudde okuvoola KABAKA waffe nenono za BAGANDA ! It is not what you say that is important but how you say it !! Twabakowa !

==========

Re:ABAGANDA BONNA BEBAVUNANYIZIBWA

Posted by Meli - 2008/04/09 00:07

Knowledge is for sharing. Ffe tugeezako kuwabula bannaffe. Kubanga bwovoola obwa Kabaka, olina kusookera ddala awasokeerwa, ku bwomuggulu obwa Katonda we Butonda. Naye obwo okubuvvolanga kya kachwano, nga oba olonze omulabe muzibu! Ne Yesu yagamba nti abalina amatu nga bawulira. Ffe ogwaffe tubeera tugukoze.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by rambuka - 2008/04/11 02:42

Awangale Ayi sabasajja Kabaka wa Buganda.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Meli - 2008/04/15 19:52

RDC attunse ne nnaalinnya

RDC Muwonge (ku ddyo) ng’awuliriza Nnaalinnya Namikka eyabadde ayogera.

Bya L. Nalubega ne Eria Luyimbazi

BANNAALINNYA beekandazze ne bava mu lukiiko lwa RDC wa Lubaga, Zaina Muwonge lwe yabadde ayise okumanya abatunda n'okugula ettaka ly'amasiro ga Ssekabaka Kiweewa e Masanafu mu Kyaddondo.

Baalangidde Muwonge okweyingiza mu nsonga ezitamukwatako kubanga ekikulu ku masiro gano si ttaka wabula nsonga zaabwe za munda ze balina bbo bennyini okwekolerako.

Nnaalinnya Namikka eyabadde akulembeddemu banne era nga ye Ssentebe wa Bannalinnya bwe yasabye omuzindaalo yavudde ku by'okwogera ku nsonga z'ettaka ezaabadde zitutte RDC n'agamba nti bo ng’Abalangira n'Abambejja abatuufu tebajja kukkiriza muntu Minisita gwe yabasindikidde akulire amasiro nga si walulyo lwabwe okubayisaamu amaaso. RDC Muwonge bwe yagezezzaako okumuggyako omuzindaalo n'agugaanira n'amusaba oba tayagala kuwuliriza bye yabadde ayogera ave mu lukiiko agende.

''Nnaalinnya y'alina obuyinza okulabirira amasiro era omulangira abeera mu masiro gano abeera musiige era ng’aliko n'emikolo emitongole gy'akola nga ali wansi wa Nnaalinnya aba atwala amasiro ago. N’olwekyo omulangira minisita gwe yasindise wano tetujja kumuwuliriza kuba tulina owaawo,'' bwe yagambye nga n'abatuuze bwe bamukubira emizira.

Omumyuka wa katikkiro era nga ye minisita w’obulambuzi, Nsubuga Nsambu yaweereza omulangira Isaac Ssimbwa okulabirira amasiro gano.

Bino byonna okubeerawo kyaddiridde RDC okutegeeza nti yazze kugonjoola nsonga za ttaka kuba yatuukiriddwa omulangira Ssimbwa ng’ayagala amuyambe ayimirize abazimba wamu n'okutunda ettaka ly'amasiro ga Jjajjawe.

''Nzize kuzuula mazima mmanye mwenna abatuuze abali ku ttaka lino eyabaguza n'engeri gye mwasengako ng’abakulira ekifo kino tebamanyi. Kino bwe kinaakolebwa obuzibu bwonna bujja kuba buweddewo,'' Muwonge bwe yagambye n'ategeeza nti waakulonda olukiiko olugenda okuwandiika abali ku ttaka lino bonna, abaabaguza, ensimbi ze baagula n'ebirala ebibakwatako.

Wabula olukiiko lwayabuse n'olukiiko terulondeddwa Bannaalinya bwe beekandazze nga Ssimbwa akwasiddwa omuzindaalo abeeko by’ayogera.

Bukedde:

Published on: Monday, 14th April, 2008

Bano ba Nnalinnya bandibadde batuula nebanyonyola Obuganda ensonga zino. Kuba kati naffe twebuza, ani atunda ettaka lya masiro gano? Era olukusa alujja wa? Amasiro gano ssi gaabwe. Ga lulyo lwa Kabaka, ate obwa Kabaka bwa Buganda. Era bwekiba kivudde mu Lubiri nti kati omulangira Ssimbwa yakulira ekifo kino, tebalina webayita kukiwakanya, mikolo oba ssi mikolo. Obuganda buli mu katyabaga. Abakyala bano ssi gwe mulundi ogusoose okweyisa bwebati mu biseera bino nga Obuganda buli mu matigga, bandibadde bagezaako okukozesa okumanya nti, Obuganda bwebutabawo wadde bbo nobwa Nnalinnya.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by omumbejja - 2008/04/16 18:59

Kasita ensi egwaamu amateeka obuntu bulamu ne mmizi byonna ebikolobero bikolebwa oli nanaaba ensonyi mu maaso nazikuba enkoto .E byobuwangwa byaffe nokuyingiramu abagwiira nebatandika okugula nokutwaala ettaka lyobuwangwa bwaffe lyaffe ffenna Abaganda sosi abolulyo olulangira lwokka kuba nange kulwange sagala nkeere enkya nga bajjajja bange babasenze kuba oli anoonyaamu ensimbi ezamangu naguzaawo omuntu atalina nakakwaate konna ku ani gwasenda nazimbawo Gas station .

Kino kyaali kintuuseeko nebasenda omuntu wange kyokka eyamusenda naye teyatulawo kubugumya kifo bamusanga mu Namanve ngabamusaze obulere, Neyamuddira mubigere naye era abokukyaalo bamussa miggo, Kati kyesimanyi oba gwebasenda yemunyiivu, naye na buli kati lwenkirowooza mpulira okunyolwa. Waliwo abatassa kitiibwa mu bintu bya bannaabwe.Teri muntu ayinza kwekwaasa kutunda bintu bya Gwanga ddamba kiringa omuntu omu bwatakkirizibwa kutunda bijja ebyekika .

KINO ABAGANDA MUTUULE MWEBUUZE SSINGA ABATUSOKAWO BWEBATI BWEBAVULUGA BUGANDA TWANDIGISANZEEWO?

Ekisinga okukwasa ennaku kwekuba nti abantu abatalumirirwa Buganda bagendera ddala mu baana abeyita abe Ngoma ne babakozesa nga nabo batunula . Singa ayagala okutunda akwaate ettaka erirye lyaaba atunda aleme kutumalirawo byabuwangwa byaffe kuba ayagala okwegagawaza amangu.Abaana bengoma mukyakola effujjo naye mujjukire nti bajjajja babalaba era kummwe kwebajja okuggukira babasomere bwiino yenna ate nga ekyo mukimanyi era mu bamanyi nobukambwe, nolweekyo teri kweyinula.

Onogamba otya omugwiira okussa ekitiibwa mu buwangwa bwo nga gwe nnyinibwo obukakkanyeeko obulenga . Engeri yonna gyetusobola okutaasa ettaka lyaffe kwekuwandiisa buli aliliko , eyalimuguza mmeka zeyaligula , nebimukwatako ebyo biri munsi yonna egyo emivuyo egiri e Buganda tolina walala wogisanga omuntu najja neyenyiga awantu nga talina wadde kintu kimwogerako. Nze ndowooza nti empisa nobuntu bulamu wamu nemmizi esokere kubantu abakulu , nabalala bebakulira bafune ekyokulabirako, Tetusobola kutereeza nsi yaffe nga mulimu abamu ababa beyisa nga basukkuluma kubalala. Kabaka okulamula entende nga nabantu balamula bantu balamu.

OBUNTUBULAMU BWEBUKOLA OMUNTU ,TUDDEYO KU MPISA ZAFFE EZEDDA EZEGOMBEBWANGA NAMAWANGA AMALALA

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by omumbejja - 2008/04/29 00:53

---

http://connectuganda.com/images/fbfiles/images/1209403773zulu.jpg

NYINI KIGGWA YAKIWEEBUULA

Bya Lilian Nalubega

ne Eria Luyimbazi

PULEZIDENTI Museveni ayingidde mu nsonga z'amasiro ga Ssekabaka Kiweewa e Masanafu n'alagira abagaliko obutaddamu kutunda, okugabako, okwazika oba okukolerako ekintu kyonna eky'obuwangaazi okutuusa ng’emivuyo gigonjoddwa.

Mariam Namayanja eyakiikiridde Museveni yategeezezza abatuuze nti Pulezidenti awandiikidde Kabaka ne Ssaabalangira n'abasaba bayingire mu nsonga z'ettaka lino kubanga ye nga Pulezidenti tasobola kugonjoola butakkaanya ku ttaka ery'ennono ng’abalivunaanyizibwako weebali.

Namayanja bino yabyogeredde mu lukiiko olwatudde ku Masiro e Masanafu. Lwetabiddwaamu abatuuze, , aduumira Poliisi ya Kampalamukadde eyakiikiriddwa OC. Augustine Kasangayiti, aba LC n'abaami ba Kabaka.

Kiddiridde Nnaalinnya w'amasiro gano Rehema Nalumansi okuwandiikira Pulezidenti nga yeemulugunya ku ngeri RDC wa Lubaga Zaina Muwonge, omulangira Isaac Ssimbwa n'omumyuka wa Katikkiro owookubiri e Mmengo, Yusufu Nsambu ku ngeri gye bakuttemu ensonga z'amasiro gano n'okumulemesa emirimu gye.

Published on: Monday, 28th April, 2008

Bino byebimu kubintu ebisinze okukoyesa Abaganda , kuba tulwaana kuzza ttaka lyaffe era twerwanako okwetereereza ensonga zaffe nge Ggwanga ate ne tuba nti tukyalina abantu , abakyagenda ebunayira okwekubira enduulu , nga baleseewo wamu nokubuusa amaaso abakulu abateekwa okukola ku nsonga za Buganda. Kabaka tabaawo awatali bwa Kabaka , yalamula Obuganda wayinza okubaawo Nnalinnya awatali Kabaka?

 Nnalinnya Nalumansi bwooba nga ettaka tewalitunda vvaayo ogambe Obuganda nti abaliriko besenza bokka nze siritundanga ,bwooba walitunda bulira abantu amazima nti osanga wali olowooza nti Amasiro gago kububwo nosalawo okugalenga, ekitali ekyo vva mu kulengezza obwakabaka bwaffe ngobubuusa amaaso ngogenda okunoonya ebitiibwa ewa Museveni ,Bwebaba nti abakusinze obukulu bakizudde nti emirimu gyo girimu akabuuzo lwaaki totuula nabo nomala ensonga , bwosangibwa nti tokyasobola mirimu kugitukiriza nga batekawo anagisobola .Abaganda babonye bonye ekimala kati tetukyetaaga oli atuula kuweebwa bitiibwa, wabula oyo yekka akolerera Obuganda okubutwaala mu maaso . Kati kye kiseera kya Buganda okuddamu okwezimba tukooye emigozobano

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by rambuka - 2008/04/29 01:22

---

katulabbe ebidira----

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Meli - 2008/05/05 08:19

Basonze ez'okuddaabiriza amasiro

http://connectuganda.com/images/fbfiles/images/1209911875zulu.jpg

Amasiro ga Ssekabaka Ssuuna e Wamala nga bwe gafaanana.

Bya Lilian Nalubega ne Rogers Kibirige

MINISITA omubeezi ow'ebyobulambuzi e Mmengo, Florence Nakiwala Kiyingi anenyezza Abaganda abatafaayo kumanya bigenda mu maaso mu bwakabaka bwabwe n'agamba nti be babulemesezza okukulaakulana

Yalumbye n'abeefunyiridde okuwamba ebintu bya Buganda n'okwogerera Mme-ngo ebisongovu.

Yabadde ku mukolo ogw'okusonda ensimbi ez'okuddaabiriza amasiro ga Ssekabaka Suuna II e Wamala ogwategekeddwa minisitule y'abakyala ne Bulungibwansi e Mmengo eya minisita Apolonia Mugumbya. Minisita yawaddeyo 3,000,000/- ku lwa minisitule ye.

Omukolo gwetabiddwako Minisita w'ebyobutonde n'amazzi mu gavumenti eya wakati, Maria Mutagamba eyawaddeyo 1,000,000/- n'akubiriza Abaganda okukolagana ne gavumenti eya wakati gye yagambye nti ejja kubayamba nnyo mu by'ensimbi.

Obukadde 900 ze zeetaagibwa mu mulimu guno. Bagguddewo akawunti nnamba Oil 2507403100 mu bbanka ya DFCU okusonderako ssente zino.

Ku mukolo baasondeddeko 7,162,000/.

Nnaalinnya w'amasiro gano, Sarah Nattu Bitabira yasiimye ebitongole ebivuddeyo okuyamba ku mulimu guno okuli n'ekya Nabugabo Updeal Joint Venture, emikutu gy'empuliziganya n'abantu ba ssekinnomu.

Published on: Sunday in Bukedde, 4th May, 2008

Ensonga zokuddabiriza ebiggwa tekwata nnyo ku sente nga bwekwata ku bavunanyizibwa okukuba ggwanga mujje era nebateesa olunaku olwokukola emirimu gino egya bulungi bwa nsi. Kyewaava wabeerawo abalabirira embiri zino namasiro, gwe mulimu gwaabwe guno. Ebiggwa bwebitunula bwebityo kizibu ensi obutabonabona. Kano kenyini kabonero kaabutemanya. Kitalo.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by xaza - 2008/05/05 15:53

Yiii bannange kino kitalo nnyo. Era batusunga. Amasiro ga Ssekabaka Ssuuna okwonokena okutuuka wano, obuganda bwonna bwali butunulawa? Lwaki tebatandikirawo okukuba omulanga okugaddabiriza nga gakatandika okwononeka?

Nze ngamba nti anti omulanga tuguwulidde. Tulina okusitukiramu tuddabirize obuwangwa bwaffe. Buli omu atoole kyonna kyalinawo - anti lwooya lwamunyindo...

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by omumbejja - 2008/05/05 16:23

Oyinza okukitegeera nti bino ebitundu bili munsi yaffe ku mulembe guno nga bitunula bwebiti? tebereza ebikozesebwa tebyetaaga nakulagiriza wabweeru buli omu nebwatemayo emmuli ekkumi ne ssubi ekiganda kimu ekyaalo kimu kyokka kimala okuddabiliza ebitundu bwebiti bannange buli muziro mu Buganda gulina omulimu gwegukola mu mbiri lwaaki buli omu yesuliddeyo gwa naggamba ?

egyo emyoleso egiretebwa mu Mengo lwaaki tekutolebwaako sente zikola kubyetagisa kukola mukuddabiriza ebyobuwangwa byaffe oba sseekyo abakola emikolo egyo mufune ekifo ekirala, mulekelaawo okujjanga e Mengo okukolelayo ssente zammwe, muzimbe ebidaala awalala mwagala nnyo ebyobwereere.

Mengo mwafulayo kiduula kyammwe singa emikolo egikolebwa e Mengo gibe nga sente ezivaamu zikola ku bya Buganda byokka , ebyokulabirira ebifo byaffe ebyo buwangwa . Siraba nsonga lwaaki emikolo egitayamba nakuddukirira bintu byaffe ebyebbeyi nge byobuwangwa gikolebwa mukifo nga Mengo ekyo kyekimu kubifo ebyobuwangwa naye nayo ekyaliyo ebyetaaga okumaririza .Abategeka era nabaleeta emikolo egyokwekolera ssente mu Baganda mu Mengo mubeere nensonyi era mukyuuseemu mufune awalala awo kukolera ssente ekisooka ekolebwaayo buli kya mbyoone kyonna ekitakkirizibwa mu buwangwa bwaffe. . Tukooye abatukozesa ate nga batunyunyunta , tubasabye mukyuseemuko.

ABAKULU BE BIKA OMULIMU GWAMMWE MUGUSULIRIDDE MUKUNGE ABANTU TWEZZE OBUGGYA GWANGA MUJJE ATANDIKE BUTO OKUVUGA BINO EBINTU BYAFFE FFE TULINA OKUBILABIRIRA

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Balyokwabwe - 2008/06/06 13:37

Soma bino wansi :-

Beemulugunyirizza Mmengo ku batunda ettaka ly’Amasiro

Omulangira Simbwa (wakati), Golooba (ku ddyo) ne Daniel Wamala nga balambula ettaka ly’Amasiro. Mu katono ye Nakamaanya

ABALANGIRA n'abambejja abasibuka mu Sseka-baka Tebandeke e Bundeke beemulugunyirizza Mmengo abantu abeefunyiridde ku kutunda ettaka ly'amasiro be bagamba nti babalemesezza okukolerako enkulaakulana.

Baagambye nti baagala Minisita ow'amasiro n'ennono, Yusufu Nsambu ayi-se ekiragiro okutaasa ebintu by'obuwangwa mu kifo kino n'okuziyiza ababadde batunda ettaka lyabwe.

Abalangira abaakulembeddwaamu Nnaalinnya w'amasiro gano, Robinah Nakamaanya n'omulangira Nakibinge 'Juma Katebe' okwemulugunya baakukoze balambuza eyakiikiridde Nsambu, omugoma wa Mujaguzo omukulu, Daniel Kimomera Wamala ettaka ly'amasiro erya yiika ettaano lye bagamba nti lyatundibwa.

Bino byabaddewo wiiki ewe-dde ku lusozi Lunnyo ku masi-ro ga Ssekabaka Tebandeke e Merera Bundeke mu Busiro.

Mu kulambula baazudde ng’ettaka lisimbiddwamu enkondo ezeerura empenda ekiraga nga waliwo abaaligula.

Baanenyezza omulangira Lukenge eyali omusituzi wa Ssekabaka gwe baagambye nti ye yabaleetera obuzibu bwe yakyusa olubiri n'aluggya ku lusozi gye lwali ng’agamba nti yali akaluubirirwa okugendayo okukola emikolo nti kyokka bwe yamala ettaka n'aligabanya abaana be abalitunze okulimalawo.

Ssentebe wa LC I mu kitundu kino, Omulangira Edward Kawagga eyagambye nti akya-li mupya ku kitundu, yate-geezezza nti yawulirako abaali bagezaako okutereeza enso-nga zino nti kyokka bwe baateesaako katono ne babivaako.

Nsambu mu bubaka bwe, yaweze okukozesa omukono ogw'ekyuma okulaba ng’abasenze ku ttaka ly'amasiro mu bukyamu n'abalitunda bakikomya mbagirawo.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Mirembe2007 - 2008/06/06 14:43

Baganda bange bino ate ebizze byampuna nga nyinimu yemubbi ate tuwoza gwambuzi ngendiga erinnya nju. Baganda bange bino Kabaka ngabwali Ssabataaka nkakasa nti ajja kugulamuza bwenkanya anti guli munju omusango okujjako nga eyagula mukopi awo ffenna tujja kuwa amagezi kubanga omuguzi bwaba teyamanya nti ddilu jalimu yabalangila netaaka lyagula lyabwa Kabaka awo tumwejereza naye bwaba nga yebaka natazukuka kumanya nti asatukidde ewabene era byagula bigenda kumulakila aba yebaka nnyo banange tebagula mubalangila etaaka lyabwaKabaka abaana nabazukulu abolulyo olulangilangila lwokka. Katusubile nti binaggwa mirembe netuteswaza anti emivuyo mingi mubyettaka lya Buganda yensonga esinga okutukeeta .

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Balyokwabwe - 2008/09/11 14:14

Bawakanya okukulaakulanya Olubiri

ABAZZUKULU ba Buganda bawakannyizza enteekateeka ya Pulezidenti Gadaffi okukulaakulanya Olubiri lwa Kabaka e Mmengo ne basuubiza okumuwandiikira bamugambe agiyimirize.

“Tulowooza nti, luno lwandibeera olukwe olukoleddwa abaluubirira okusanyaawo Obwakabaka nga beerimbise mu mukulu ono naye tumaliridde okulusaanyaawo naddala bwe kiba nti Katikkiro tuludde nga tumulabula ave ku Lubiri n’Amasiro,” Abazzukulu bwe baagambye mu lukiiko olwakubiriziddwa akola nga ssentebe waabwe Abiyasali Buyego. Lwatudde kumpi ne Bulange ku Lwokubiri.

Baabadde bateesa ku nsonga eno eyalabikidde mu mawu-lire ga Bukedde.

==========

Re:Mmengo yandikutte Mpola Olubiri e Mmengo.

Posted by Balyokwabwe - 2008/11/02 17:36

Mengo Offers Bukenya Lubiri Land for Rice Growing

The Monitor (Kampala)

29 September 2008
Posted to the web 29 September 2008

Al-Mahd Ssenkabirwa and Robert Mwanje

The Buganda Kingdom has offered an acre of Mengo Palace land to Vice President Gilbert Bukenya to establish a demonstration farm for promoting rice growing in the kingdom.

Mengo palace development committee secretary Levi Zzimbe said the decision to give land to Prof. Bukenya was reached by the 15-member committee, which the Kabaka mandated to redevelop the palace.

"We have decided to give out one acre (of palace land) to Prof. Bukenya to teach our people how to grow rice. We are optimistic that it will help people to learn more about rice growing," he said. The offer was announced on September 27 during the official opening of a trade exhibition at the palace.

==========